
LUGANDA

AMASOMO G'OKU LEEDIYO AG'EBIBIINA EBISOOKERWAKO



AMAŞOMO G'OLUGANDA AG'OKU LEEDIYO

Buli kitundu kya kumala eddakiika aşatu. Mulimu obudde obwokukubaganya ebirowoozo n'okuwummulamu. Egimu ku muganyulo egy'okukozeza ebikwate ku butambi oba ku leediyo mu kuşomeşa naddala nga waliwo n'ebifaananyi ebirabikako gye gino:

● wabeerawo ensomesa ya ngeri nnyingi era wabeerawo okukozesa obukodyo obw'enjawulo era wabeerawo okukozesa obukodyo obw'enjawulo

• omusomesa afuna embavu– kino ne kimalawo okuwulira ng'alekereddwa era n'omuyizi naye n'awulira ng'alinako gw'ali naye

• esobozesa okunnyonnyola ebintu ebikakali ne bifuuka byangu

• esobozesa abayizi okufuna bye basomerako buli budde we baba babyetaagira

• esobozesa abayizi okusoma nga bagendera ku busobozi bwabwe kuba basobola okuddiŋŋana bye basoma oba okuwummulamu bwe babeera nga bakooye

• ekendeeza ku bibuuzo ebitera okubuuzibwa abayizi

• ebikosebwa bisobola okuddamu okukozesebwa.

ABANAABIGANYULWAMU

ABAYIZI AB'EBIBIINA EBISOOKERWAKO

Wekkaanye: Amaşomo gano gaşinga kuvaayo şşinga gakolebwa abantu babiri naye bwe kiba nga tekişoboşe, oyo omu agakoze aşaanye afuule eddoboozi naddala şşinga wabaawo ekibuuzo ekibuuziddwa nga kyetaaga okuddibwamu.

EMIRAMWA EGIRIMU N'EBITUNDU BYAGYO

$/N	EMIRAMWA	EBITUNDU BY'EMIRAMWA
1	**AMAKA N'EKITUNDU KYAFFE**	i. Abantu abasangibwa mu maka gaffe ii. Emirimu n'obuvunaanyizibwa bw'abantu ababeera awaka ab'enjawulo iii. Ebintu ebisangibwa awaka n'emigaso gyabyo iv. Abantu abasangibwa mu kitundu kyaffe
2	**OMUBIRI N'EBYOBULAMU**	i. Obuyonjo bw'omubiri n'obuyonjo bw'ebitwetoolodde ii. Endwadde eza bulijjo n'engeri gye ziyizibwamu iii. Endwadde ezisigibwa n'endwadde z'omu byenda iv. Endwadde n'ebizisaasaanya
3	**EMMERE N'EBYENDII$A**	i. Ebika by'emmere ii. Endya ennungi iii. Ebiva mu ndya embi iv. Amannya g'emmere ne gy'eva
4	**EBITWETOOLODDE N'EMBEERA Y'OBUDDE**	i. Embeera y'obudde n'ebigikola ii. Emirimu egikolebwa mu biseera eby'enjawulo iii. Okwerinda ebireetebwa embeera y'obudde iv. Ebisolo, ebinyonyi n'ebiwuka ebya bulijjo

AWAKA N'EKITUNDU KYAFFE

ABANTU ABAŞANGIBWA AWAKA Okuşoma n'Okuwandiika

Manya bino (Ekitundu kino kiyinza okwogerwa omuntu yenna n'atali muşomeşa ng'eşşomo terinnatandika)

Abayizi abalungi, oluvannyuma lw'okuggalawo amaşomero kaakano mugenda kuşomera waka olw'okwewala ekirwadde kya şşennyiga omukakali owa COVID 19 eyatuuka edda mu ggwanga. Obulwadde buno buva ku muntu omu ne budda ku mulala şşinga omuşemberera oba n'akolola oba n'ayaşimulira okumpi naawe oba okwekwata ku mimwa oba n'aamaaşo n'engalo enjama.

Obudde: Eddakiika aşatu:

Ennyanjula **Eddakiika 2**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde kya COVID 19. Ka nsuubire nti weeteeseteese
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 5**	Olwaleero tugenda kwogera ku '**BANTU AŞANGIBWA AWAKA'** Naye okusookera ddala **awaka kye kiki**? Oh! Kye kifo we tubeera awamu ng'abantu abaliko oluganda. Bantu ki be tusanga awaka? Nga tonnaddamu kibuuzo ekyo sooka

	owulirize akayimba kano: YIMBA: **Yimba:** Maama atuula ku kkubo n'alamusa abalangira, Taata atuula ku kkubo n'alamumusa abalangira. Maamu nnyo nyooge! N'alamusa abalangira. **Kale tuyimbirire wamu.** **Maama** ..... Jajja... Baaba.... Otyo! Olwo bantu ki abasangibwa awaka abali mu kayimba? Mulimu: **taata maama baaba jajja omukazi jajja omuṣajja** Bantu ki abali mu maka ggwe mw'obeera? Mu gange tulimu nze, taata ne maama ffekka. Ate ewammwe? Bamenye **WEFUULE NG'AYOGERA N'OMUNTU jajja omuṣajja, jajja omukazi, mwannyinaze ne muganda wange eee!** - **Olwo bantu ki be abaṣangibwa awaka?** Mu maka agamu tusangamu taata, maama n'abaana baabwe bokka! Ago tuyinza okugayita **amaka amaboolereze**. Naye ate mu maka amalala tusangamu taata maama n'ab'eŋŋanda abalala nga jajja, ssenga, kojja n'abalala. Ago gaba **maka amakuŋŋaanya.** Weebale, Kale. Katuwummulemu nga tweteeketeekera okusoma.
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 7**	- Kulikayo mu kuwummula omuyizi wange omulungi. Tugenda kusoma naye nga tetunnatandika, katusooke tuyimbe akayimba akatuteekateeka. **Wuliriza**: **YIMBA** Okusoma kulungi ddala ddala Maama okusoma kulungi ddala ddala! Tuyimbe ffenna: **YIMBA ... Okuṣoma kulungi.... Weebale!!** Kati nno wuliriza n'obwegendereza nga nsoma ebigambo bino: ***Ṣoma ekigambo kinnakimu nga bw'okuba mu ngalo okulaga ennyingo ezikirimu.*** **Mubale ennyingo** ***Oluvannyuma londako kimu ekirimu amaloboozi g'ogenda okuṣomeṣaako*** **taata maama baaba jajja** - Ka tuggyemu ekigambo kimu: ***taata*** kitandika ***n'eddoboozi*** /t/

	ne /a/n'ekyatulibwa ng'ennyingo ***ŧa*** Tusome /***ŧa***/. Waliyo ebigambo by'Oluganda ebirala ebitandika n'ennyingo **ŧa** okugeza ***ŧŧaala, ŧaaba, ŧaaŧa.*** Wa ebigambo 3 nga nange bwe mpandiika ebyange. **Ŝiriikiriramu**. Soma ebigambo byo mu lwatu: **ŧŧale, ŧŧooke, tema** **Weebale!** - Kati tukole emboozi nga tweyambisa ebigambo byaffe **maama taata baaba jajja omukazi jajja omuŝajja** Ka tutandike ne **maama** ***Maama mukyala mumpi.*** Naawe yiiya eboozi yo. Kola kye kimu ne ku bigambo ebirala: **taata, baaba, jajja omukazi, jajja omuŝajja** Katuwummulemu nga twetegekera okuwuliriza emboozi.
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 8**	- Ŋŋenda kukusomera emboozi. Oluvannyuma lwayo ŋŋenda kukubuuzaayo ebibuuzo. Weeteeketeeke. **Tuula bulungi, towandiika kintu kyonna wuliriza buwuliriza**. Siriikirira. Gogola emimiro, soma emboozi emirundi ebiri **Amaka amaŝanyufu** Nalule abeera ne bazadde be mu kyalo Kiti. Nalule alina bannyina babiri ne muganda we omu akyali omuwere. Awaka babeerawo ne jajjaabwe. Buli kawungeezi jajja abagererayo akagero. Buli muntu mu maka ago ayagala nnyo jajja wamu n'obugero bwe obunyuvu bw'abagerera. **Kanŝome omulundi ogw'okubiri** **Kati ddamu ebibuuzo bino:** **1.** Nalule abeera n'ani awaka? **Ŝiriikirira** 2. Nalule alina bannyina bameka? **Ŝiriikirira** 3. Lwaki ab'omu maka ago baagala nnyo jajja? **Ŝiriikirira** **4.** Singa ggwe wali Nalule jajja wandimukoledde ki okumulaga nti omwagala? **Ŝiriikirira** **Ka tukebere tulabe oba nga tuzzeemu bulungi ebibuuzo:** - **DDAMU OŜOME EKIBUUZO KINNAKIMU NGA BW'OŜOMA EBIDDIBWAMU**: Okugeza: Ekibuuzo kyaffe ekisooka kyabadde Nalule abeera n'ani awaka? **Mu budde bwo obw'eddembe ojja kubumba ebibumbe**

	by'abantu abaşangibwa awaka woobera- Tuwummulemu nga twetegekera okuwandiika. Teweerabira ekkalaaamu n'ekitabo ekiwandiikibwamu.
OMUTENDERA 4: **Eddakiika 5**	Kulikayo mu kuwuwummula! Kadde ka kuwandiika. Ka nsuubire nti olina ekitabo n'ekkalaamu. Nga tetunnatandika ka tusooke tuyimbe akayimba kaffe ak'okuwandiika. **YIMBA**: **Ka mpandiike nga nneegendereza ebiikuutize omuşomeşa tabyagala.** Weebale! Kati wandiika ennukut : t t t Wandiika ennukuta: a a a Wandiika ennyingo: ta ta ta - Wandiika ebigambo: **taata baaba jajja maama** **ŞOMA BULI KIGAMBO EMIRUNDI EBIRI N'OBWEGENDEREZA OLUVANNYUMA OŞOME BULI NNYINGO** Wandiika emboozi eno **Taata atema omuti. Weebale nnyo** **- ŞOMA EMBOOZI N'OBWEGENDEREZA** Mu budde bwo obw'eddemnbe ojja kuwandiika emboozi ekwata ku buli muntu ali mu maka mw'obeera. Ojja kukuba n'ebifaananyi byabwe. Mu ssomo lyaffe erya leero essira tulitadde ku bantu abasangibwa mu maka gaffe. Mu ssomo eriddako tujja kwongera okwekenneenya ebirala ebibakwatako. Noolwekyo bw'oba olina ekifaananyi ky'abantu boobeera nabo ajjanga nakyo.
OKUFUNDIKIRA **Eddakiika 1**	**NGA TUMALIRIZA EŞŞOMO LYAFFE, MWATTU NKUŞABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZEŞA ŞŞABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO ŞŞAAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO**. **MWATTU BEERA AWAKA. WEEKUUME. WEERABA**

EBINTU BYETUSANGA AWAKA.

EKISEERA: EDDAKIIKA 30

OKUBALA

Obubaka;

Abayizi abalungi, nsuubira mwenna mwekuumye nga munaaba engalo ne ssabbuuni n'amazzi. President Museveni yagamba nti corona asaasaanide ensi yonna ye nsonga lwaki mugambibwa okusigala awaka era n'amasomero negaggalibwa.

Introduction **~1 minutes**	Abayizi bange abalungi, mbaanirizza mu ssomo ly'okubala erya leero. Erinnya lyange nze .....nga nva .... Nga tetunnatandika kusoma, nsabe abazadde muyambe abaana okufuna ebitabo, obuti bw'okubazisa n'ekkalaamu. Abayizi, mufune we mutuula. Temusemberagana, tusobole okwewala ekirwadde kya COVID-19 (kuwummula) Nsuubira nga mweteeseteese bulungi.
Step 1: **~8 minutes**	Ekyokuyiga kyaffe ekya leero, kikwata ku bintu bye tusanga awaka. Tugenda kubibalira mu miteeko gya bibiri bibiri. Nga tetunnatandika, ka tusooke tuyimbe akayimba kaffe ak'okubala. Kansooke nnyimbe nzekka, Ffe tuli embaata ento, tetumanyi kubala

	Tubala nga tuddamu, 1,2,3,4 5,6,7,8,9 ne 10. Ffena tuyimbire wamu; Ffe tuli embaata ento, tetumanyi kubala. Tubala nga tuddamu 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10. <u>Kati tutunuulire omubiri gwaffe.</u> Olina amaaso ameka? Bala 1, 2. Olina amatu ameka? Bala 1, 2. Olina amagulu ameka? Bala 1, 2. Olina emikono emeka? Bala 1, 2. Olina ebigere bimeka? Bala 1, 2. Kati tulina ebintu ebisangibwa mu maka gammwe era nga bibalibwa mu bibinja bya bibiri. *Banga alina omuntu gw'ogamba;* engatto, ssapatu, sitookisi, n'ebirala. Ebintu nga biri bibiri nga bifaanagana bye tuyita "omugogo." Mwebale.
Step 2: **~8 minutes**	Kati tugenda kusengeka obuti bwaffe oba amayinja gaffe mu bibinja bya bibiri bibiri. Nsuubira mwetegese. Kati tubale obuti 20. Tubale; 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15 16 17 18 19 20. Tubale obuti bwaffe nga tubusengeka mu miteeko. gy'obubiri bubiri. 1 2; 1 2; 1 2; 1 2; 1 2; 1 2; ..... • Londayo omuteeko gumu. Mulimu obuti bumeka? Tububale; 1, 2. Bubiri. • Londayo emiteeko ebibri. Mulimu obuti bumeka? Tubale; 1 2 3 4. Buna. • Londayo emiteeko esatu. Mulimu obuti bumeka? Tubale; 1 2 3 4 5 6. Mukaaga. • Kati londayo emiteeko mukaaga. Mulimu obuti bumeka? Tubale; 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12. Kkumi na bubiri. Tubaze mu miteeko egy'ebibiribibiri.
Step 3: **~8 minutes**	Kati tugenda kuzuula namba eziddako nga tugenda tugattako bbiri (2). Naye nga tetunnatandika, katusooke tuyimbe akayimba kaffe ak'okubala ketwayimbye nga tutandika. Ffe tuli embaata ento, tetumanyi kubala Tubala nga tuddamu, 1,2,3,4 5,6,7,8,9, ne 10 Kati tubalire wamu obuti oba amayinja gaffe ob'ebikoola. 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15 16 17 18 19 20. Kati tugenda kujjuzaamu namba ezibulamu nga ogattako bbiri. a) 2, 4, 6, 8, _____. Namba ki eddako. Bala nnyo. Ofuna 10. b) 2, 4, 6, 8, 10, 12, _____. c) 2, 4, 6, 8, 10, 12, 14, 16, 18, _____. d) 12, 14, 16, _____. e) 8, 10, 12, 14, _____. Kati twekebere oba nga okuddami kwaffe kutuufu.
Step 4: **~8 minutes**	Kati tugenda kutunuulira amaka ag'enjawulo era ogenda kuddamu ebibuuzo ebigakwatako. Wuliriza; 1) Ente ya Okello emuwa lita z'amata bbiri buli lunaku. Okello afuna lita meka ez'amata mu nnaku musanvu okuva mu nte ye?

	2) Nakato yafuna emmere okuva mu gavumenti. Yafuna kkiro bbiri ez'obuwunga bwa muwogo, kkiro bbiri ez'ebijanjaalo, kkiro bbiri ez'obuwunga bwa kasooli ne kkiro bbiri ez'obuwunga bw'amata. Nakato yafuna kkiro meka awamu? Nga tumaliriza, tubaze ebintu eby'enjawulo mu miteeko gya bibiri bibiri.
Step 5: **~1 minute**	Nga tumaliriza, temwerabira okwekuuma akawuka ka corona. Naaba mu ngalo ng'okozesa amazzi amayonjo ne ssabbuuni. Tewekwata mu maaso, mu nnyindo oba mu kamwa nga tonaabye ngalo. Weekuume ng'oli muyonjo era tova waka. Mubadde baana balungi. Mweraba.

EMIRIMU N'OBUVUNAANYIZIBWA BW'ABANTU AB'ENJAWULO

ABAṢANGIBWA AWAKA OKUṢOMA N'OKUWANDIIKA

Manya bino:

Abayizi baffe abaagalwa, ennaku zino muṣomera ku radio kubanga mulina eddembe ery'obwebange ery'okuṣoma. Eddembe ly'obwebange gy'emiganyulo omuntu yenna ṣṣi nṣonga oba mulenzi oba muwala, mukulu oba muto k'abeere wa nzikiriza ki by'alina okuba nabyo. Bino nga bitwaliramu okufuna ekyokulya, amazzi n'aw'okuṣula. Ku buli ddembe kugenderako n'obuvunaanyizibwa nga gino gy'emirimu egy'enjawulo omuli okukuuma awaka n'awatwetoolodde wonna nga wayonjo.

Obudde: eddakiika 30

ENNYANJULA **Eddakiika 2**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde kya COVID. Ka nsuubire nti weeteeseteese
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 8**	- Mu ssomo lyaffe eryayita kwalaba abantu abasangibawa mu maka gaffe. okyabajjukira be baliwa? **WEEFUULE NGA ALINA GW'AYOGERA NAYE** **taata maama baaba jajja n'abantu abalala** Olwaleero tugenda kwogera ku '**MIRIMU N'OBUVUNAANYIZIBWA BW'ABANTU**

	A$ANGIBWA AWAKA' Okusookera ddala **obuvunaanyizibwa gy'emirimu egirina okukolebwa abantu**. - Abantu b'obeera nabo balina buvunaanyizibwa ki? Ani afumba emmere? Ani akima amazzi? Ani alina okutyaba enku? Ggwe olina buvunaanyizibwa ki mu maka mw'obeera? - Mu buli maka buli kinnoomu alina emirimu n'obuvunaanyizibwa ebimukakatako okukola era buli omu omulimu gw'akola mukulu nnyo mu maka okusobola okubeerawo ffenna nga tuli basanyufu. Tulina okusiima abantu baffe olwa buli kye bakola awaka. - Ka nkubuulire ekyaliwo mu maka ga Wampisi. **OLUGERO LUNO LUNYUMYE TOLU$OMA** Awo olwatuuka nga wabaawo Wampisi ne mukyala we nga balina n'omwana waabwe omu omuwere. Amaka gaabwe gaali mu kibira kumpi n'olubalama lw'ennyanja. Buli ku makya Wampisi yakeeranga kuvuba. Y'omukyala yasigalanga waka ng'afumba, ayoza ng'alabirira omwana wamu n'ente yaabwe. Olwali olwo Mwami Wampisi ne yeemulugunya nti mukyala we talina ky'akola era mangu ddala n'asalaw akyuse mu mirimu. Olunaku olwaddirira Mukyala Wampisi ye yagenda okuvuba. Ye omwami n'asigala awaka alabirire omwana n'ente. Ekyo kyamusanyusa bya nsusso. Yeefumbirawo n'ekyenkya. Yafuuwa oluwa eno bwagaba nti "Ha! Ha! Ha! Olwalero lwange," eno nga bw'alya akamere ke. Yali akyalya, omwana n'azuukuka n'atandika okukaaba anti ng'enjala emuluma nnyo. ate nga mujama nnyo.

	Omukulu yali tannakama na nte ate nga tannagitwala ku ttale olwo nayo n'eva mu mbeera n'ekaaba okuzaama. Yasalawo omwana amuwe ku mmere gye yali afumbye n'ente agisibe waggulu ku nju erye omuddo ogwali gumeze waggulu ku kasolya. Omwana olwamussa emmere mu kamwa n'asimbula omulanga omunene ennyo anti emmere yalimu kaamulali. Y'ente yabotola akasolya n'erengejjera ku muguwa ng'ebulako katono okufa! Awo omukyala we yatuukira n'asanga enju yonna ng'etabuse. Nange awo we nnalabira. **Kiki ky'oyiga mu kagero kano?** **WEEFUULE NG'ALINA GW'OYOGERA NAYE** Weebale nnyo. Ka tuwummulemu nga tweteekerateekera okusoma.
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 7**	- Kulikayo mu kuwummula omuyizi wange omulungi. Tugenda kusoma naye nga tetunnatandika, ka tusooke tuyimbe akayimba akatuteekateeka. **Wuliriza**: **YIMBA** Okusoma kulungi ddala ddala Maama okusoma kulungi ddala ddala! Tuyimbe ffenna: **YIMBA ... Okuṣoma kulungi.... Weebale!!** Kati nno wuliriza n'obwegendereza nga nsoma ebigambo bino: ***Ṣoma ekigambo kinnakimu nga bw'okuba mu ngalo okulaga ennyingo ezikirimu.*** **Mubale ennyingo *Oluvannyuma londako kimu ekirimu amaloboozi g'ogenda okuṣomeṣaako*** **kufumba kuwaata kuṣekula kwaṣa kwoza** - Ka tuggyemu ekigambo kimu: ***kufumba*** kitandika ***n'eddoboozi*** /k/ ne /u/n'ebyatulibwa ng'ennyingo ***ku***

	Tusome /***ku***/. Waliyo ebigambo by'Oluganda ebirala ebitandika n'ennyingo **ku** okugeza ***kufumba, kuwaata, kulima.*** Wa ebigambo 3 nga nange bwe mpandiika ebyange. **Siriikiriramu**. Soma ebigambo byo mu lwatu: **kuŝoma, kubala, kugatta** - Katukole emboozi n'ebigambo byaffe. Tusooke ne kufumba Maama agenda kufumba mmere. Naawe kola emboozi yo. **Weebale** Tukole emboozi n'ebigambo ebirala ebisigadde: **kuwaata kuŝekula kwaŝa kweza** **Weebaale nnyo omuyizi wange mulungi** Tuwummulemu nga bwe tweteekateeka okuwuliriza akagero.
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 7**	- Ŋŋenda kukusomera emboozi. Oluvannyuma lwayo ŋŋenda kukubuuzaayo ebibuuzo. Weeteeketeeke. **Tuula bulungi, towandiika kintu kyonna wuliriza buwuliriza**. Siriikirira. Gogola emimiro, soma emboozi emirundi ebiri. **Amaka ga Kato** Mu maka ga Mwami Katongole abantu bonna bakola emirimu. Mwami Katongole akama ente. Maama afumba emmere. Amina ayera olujja n'afumba n'amazzi amazzi ag'okunywa. Ali asaawa omuddo era n'atwala embuzi ku ttale. Amaka gonna gabeera wamu nga masanyufu. **Ddamu ebibuuzo bino** 1. Mwami Katongole akola ki awaka? 2. Ani atwala embuzi ku ttale?

	3. Olowooza lwaki okufumba amazzi kikulu nnyo? **Ka tukebere tulabe oba nga tuzzeemu bulungi ebibuuzo:** - **DDAMU OSOME EKIBUUZO KINNAKIMU NGA BW'OSOMA EBIDDIBWAMU**: **Okugeza:** Ekibuuzo kyaffe ekisooka kyabadde: Mwami Katongole akola ki awaka? **Mu budde bwo obw'eddembe ojja kukuŋŋaanya ebifaananyi by'abantu abakola emiri gy'awaka egy'enjawulo obikwaṣe ku lupapula oluvannyuma owandiikeko emboozi.** Tuwummulemu nga twetegekera okuwandiika. Teweerabira ekkalaaamu n'ekitabo ekiwandiikibwamu.
Eddakiika 5	Kulikayo mu kuwuwummula! Kadde ka kuwandiika. Ka nsuubire nti olina ekitabo n'ekkalaamu. Nga tetunnatandika ka tusooke tuyimbe akayimba kaffe ak'okuwandiika. **YIMBA**: **Ka mpandiike nga nneegendereza ebiikuutize omuṣomeṣa tabyagala.** Weebale! Kati wandiika ennukuta: k k k Wandiika ennukuta: u u u Wandiika ennyingo: ku ku ku - Wandiika ebigambo: **kufumba kuwaata kweza kwaṣa** **SOMA BULI KIGAMBO EMIRUNDI EBIRI N'OBWEGENDEREZA OLUVANNYUMA OSOME BULI NNYINGO** Wandiika emboozi eno **Maama mukyala munune. Weebale nnyo**

	- $OMA EMBOOZI N'OBWEGENDEREZA Maama agenda kuwaata. Mu budde bwo obw'eddemnbe ojja kukuba ebifaananyi by'abantu abasangibwa ewammwe nga bakola emirimu egy'enjawulo. Oyinza okubisiiga bw'oba olina langi. Wandiikako ekigambo oba emboozi eraga omuntu ky'akola. Mu ssomo lyaffe erya leero essira tulitadde ku buvunaanyizibwa bw'abantu abasangibwa mu maka gaffe. Mu ssomo eriddako tujja kwongera okwekenneenya ebintu ebisangibwa awaka. Noolwekyo bw'oba olina ekifaananyi oba ekintu ekiri awaka ojjanga nakyo.
Eddakiika 1	**NGA TUMALIRIZA E$$OMO LYAFFE, MWATTU NKU$ABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZE$A $$ABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO $$AAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO.** **MWATTU BEERA AWAKA. WEEKUUME.** **WEERABA**

EMIRIMU N'OBUVUNANYIZIBWA BW'ABANTU BETUBEERA NABO AWAKA.

EKI$EERA: EDDAKIIKA 30

OKUBALA

Obubaka;

Abayizi baffe okumanya okubala kiyamba okumanya omuwendo gw'abantu abalina ekirwadde kya covid-19. Okuyita mu kubala tubala ebintu bingi okugeza emiwendo 1 – 10, amayumba ebisolo, entebe, emmotoka n'ebirala.

Introduction ~1 minute$	Abayizi bange abalungi, mbaanirizza mu ssomo ly'okubala erya leero. Erinnya lyange nze .....nga nva .... Nga tetunnatandika kusoma, nsabe abazadde muyambe abaana okufuna ebitabo, eby'okukozesa nga babala n'ekkalaamu. Abayizi, mufune we mutuula.

	Temusemberagana, tusobole okwewala ekirwadde kya COVID-19 (kuwummula) Nsuubira nga mweteeseteese bulungi.
Step 1: **~5 minutes**	Abayizi abalungi, Mu ky'okuyiga kya leero, tugenda kubala n'okuwandiika emiwendo mu bigambo. Naye ka tusooke tuyimbe akayimba akatuyigiriza okubala. Kansooke nyimbe nzekka n'oluvanyuma tujja kuyimba ffenna Ani amanyi okubala, yenze babala bati.x2 Nga begendereza, yenze babala bati Kati njagala ofune obuti kubanga tugenda kubala. Kansooke mbale nzekka nga owuliriza. Kati tubale ffena. 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 Mwebale nnyo.
Step 2: **~10 minutes**	Abalungi, tugenda kuwandiika emiwendo mu bigambo. Naye njagala osooke obale abantu abali awaka. 1,2,__ __Bali bameka? Kale bawandiike mu kitabo. Bakola ki? Balima, bayoza ngoye, bafumba? Nga bkola bulungi! Bambi obeebazaako. Bala obuti butaano; bala ng'oyogera. 1 2 3 4 5. Funa n'ekitabo n'ekkalaamu. • Kati funa akati kamu oddemu nti EMU EMU EMU. Kati katwatule ennukuta ezikola ekigambo E-M-U. Ekigambo kiri EMU. Wandiika ekigambo emu kati mukitabo kyo. • Funa obuti bubiri oddemu nti; BBIRI BBIRI BBIRI. Twatule ennukuta ezirimu B-B-I-R-I. Wandiika ekigambo BBIRI. • Funa obuti busatu oddemu nti SSATU SSATU SSATU. Kati twatule ennukuta ezikikola; S-S-A-T-U. Tuwandiike Ekigambo SSATU. • Funa obuti buna oddemu; NNYA NNYA NNYA. Twatule ennukuta ezikla ekigambo kino; N-N-Y-A. Kati wandiika ekigambo NNYA. • Funa obuti butaano oddemu nti; TAANO TAANO Twatule ennukuta zaakyo; T-A-A-N-O. Wandiika ekigambo TAANO mu kitabo kyo. MWEBALIRE DDALA.
Step 3: **~8 minutes**	Kati kiseera kya kukuba bifaananyi. N'olwekyo buli omu afune ekitabo n'ekkalaamu. • Tukube ekifananyi nga mulimu omupiira gumu gwokka, tuwandiike ekigambo; Emu. • Tukube emipiira ebiri tuwandiike ekigambo; Bbiri. • Tukube ebimuli bisatu tuwandiike ekigambo; Ssatu. • Tukube ebimuli bina tuwandiike ekigambo; Nnya • Tukube emipiira etaano tuwandiike ekigambo; Taano.
Step 4:	Tuwandiike ebigambo by'emiwendo gino.

~8 minutes	6 7 8 9 10. Tugezeeko okuwandiika emiwendo gino mu bigambo. 11 12 13 14 15 16 17 18 19 20 Nga mmaliriza tuyize okubala n'okuwandiika emiwendo mu bigambo. Mu ssomo lyaffe eriddako, tujja kwongera okubala. Mwebale nnyo abayizi. Mubadde balungi.
Step 5: **~1 minute**	Jjukira okunaaba engalo nga okozesa amazzi amayonjo ne ssabbuuni. Weekuume ng'oli muyonjo era tova waka. Mweraba.

EBINTU EBI$ANGIBWA MU MAKA GAFFE **Ku$oma n'Okuwandiika**

Manya bino:

Omuyizi omulungi, twongera okukukubiriza okunaaba mu ngalo buli kadde. Waliwo obuwuka obubeera mu ngalo zaffe obu$irikitu bwe tutayinza kulaba na maa$o gaffe nga weetaaga ekyuma ekizimbuluku$a. Olwokuba obuwuka buno bu$irikitu nnyo buyingira mu mibiri gyaffe nga tetumanyi ne butulwaza, noolwekyo tulina okunaaba mu ngalo buli kadde.

Obudde: eddakiika 30

ENNYANJULA **Eddakiika 2**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde kya COVID. Ka nsuubire nti weeteeseteese.
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 7**	olwaleero tugenda kwogera ku **BINTU EBI$ANGIBWA MU MAKA GAFFE** Okusookera ddala bintu ki bye tusanga mu maka gaffe? Bino bye bimu ku bye tusanga awaka. Wuliriza n'obwegendereza

	oluvannyuma ombuulire ky'owulidde: **TEEKAKO AMALOBOOZI G'EBINTU BY'AWAKA: 1 embwa eboggola, 2ebijjiiko ne wuuma, 3 kkapa ekaaba, 4 ente eŋooŋa, 5 enkoko ekekema, 6 kuṣekula mu kinu, 7 ebidomola bigwa, 8 embuzi ekaaba, 9amazzi gayiika okuva mu taapu, 10 emmeeza ekaaba.** **Maloboozi ki g'owulidde?** Nnamba emu ebadde **mbwa**. Nnnamba 2, 3, 4, 5, ... kebera buli nnamba. N'olwekyo ebintu ebisangibwa awaka mulimu **embwa, kkapa, ente**, **enkumbi, jjambiya, ekinu, omuṣekuzo, ekyagi** - Ebintu bino byonna byamugaso. Embwa eyamba ki awaka? Embwa ekuuma awaka. Ejjambiya erina mugaso ki? Kkapa erina mulimu ki? Ente etugasa etya? Enkumbi eyamba ki? Ensuwa eyamba ki? **Tuwummulemu nga tweteekateeka okuṣoma**
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 7**	- Kulikayo mu kuwummula omuyizi wange omulungi. Tugenda kusoma naye nga tetunnatandika, katusooke tuyimbe akayimba akatuteekateeka. **Wuliriza**: **YIMBA** Okusoma kulungi ddala ddala Maama okusoma kulungi ddala ddala! Tuyimbe ffenna: **YIMBA ... Okuṣoma kulungi.... Weebale !!** Kati nno wuliriza n'obwegendereza nga nsoma ebigambo bino: ***Ṣoma ekigambo kinnakimu nga bw'okuba mu ngalo okulaga ennyingo ezikirimu.*** **Mubale ennyingo *Oluvannyuma londako kimu ekirimu amaloboozi g'ogenda okuṣomeṣaako*** **jambiya, kinu, muṣekuzo, kkapa, mbuzi, nte, kyagi** - Ka tuggyemu ekigambo kimu: ***jambiya***, kitandika ***n'eddoboozi*** /j/ ne /a/n'ekyatulibwa ng'ennyingo ***ja*** Tusome /***ja***/. Waliyo ebigambo by'Oluganda ebirala ebitandika n'ennyingo **ja** okugeza ***jajja, jangu, jjambula.*** Wa ebigambo 3 nga nange bwe mpandiika ebyange. **Ṣiriikiriramu**. Soma ebigambo byo mu lwatu: **jajjange, jalaala, jegeju**

	- Katukole emboozi n'ebigambo byaffe. Tusooke ne **jambiya** **Ejjambiya etema emiti**. Naawe kola emboozi yo. **Weebale** Tukole emboozi n'ebigambo ebirala ebisigadde: **ente, kkapa, ensuwa, ekinu, omusekuzo, ekyagi** **Weebaale nnyo omuyizi wange mulungi** Tuwummulemu nga bwe tweteekateeka okuwuliriza akagero.
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 8**	- Kulikayo mu kuwummula. Ŋŋenda kukusomera emboozi. Oluvannyuma lwayo ŋŋenda kukubuuzaayo ebibuuzo. Weeteeketeeke. **Tuula bulungi, towandiika kintu kyonna wuliriza buwuliriza. SIRIIKIRIRA. GOGOLA EMIMIRO, SOMA EMBOOZI EMIRUNDI EBIRI.** **Amaka ga Kato** **Enkumbi** Enkumbi kye kimu ku bintu eby'omugaso ennyo awaka. Enkumbi etuyamba okulima mu nnimiro. Buli lw'omala okukozesa enkumbi giggyeeko ettaka. Gitereke mu ssitoowa ereme kuleeta bubenje. Gikuumire mu kifo ekikalu ereme okutalagga. Bw'okuuma obulungi enkumbi ewangaala. **Kati ddamu ebibuuzo bino** 1. Enkumbi erina mugaso ki awaka? 2. Enkumbi erina kukumibwa wa? 3. Kabenje ki akasobola okuleetebwa ekumbi? 4. Kintu ki ekirala ekikozesebwa awaka? - **DDAMU OSOME EKIBUUZO KINNAKIMU NGA BW'OSOMA EBIDDIBWAMU**: **Okugeza:** Ekibuuzo kyaffe ekisooka kyabadde:

	1. Enkumbi erina mugaso ki awaka? **Mu budde bwo obw'eddembe ojja kuwandiika ekikwate ku kintu ky'olowooza nti kye kisinga omugaso awaka.** Tuwummulemu nga twetegekera okuwandiika. Teweerabira ekkalaaamu n'ekitabo ekiwandiikibwamu.
Eddakiika 5	Kulikayo mu kuwuwummula! Kadde ka kuwandiika. Ka nsuubire nti olina ekitabo n'ekkalaamu. Nga tetunnatandika ka tusooke tuyimbe akayimba kaffe ak'okuwandiika. **YIMBA**: **Ka mpandiike nga nneegendereza ebiikuutize omuşomeşa tabyagala.** Weebale! Kati wandiika ennukuta: j j j Wandiika ennukuta: a a a Wandiika ennyingo: ja ja ja - Wandiika ebigambo: **jjambiya kkapa kinu kyagi** **ŞOMA BULI KIGAMBO EMIRUNDI EBIRI N'OBWEGENDEREZA** **OLUVANNYUMA OŞOME BULI NNYINGO** Wandiika emboozi eno **Ejjambiya ya jajja eşala. Weebale nnyo** **- ŞOMA EMBOOZI N'OBWEGENDEREZA** Ejjambiya etema omuti. Mu budde bwo obw'eddemnbe ojja kukuba ebifaananyi by'ebintu abasangibwa ewammwe. Oyinza okubisiiga. Wandiikako emboozi oba ekigambo ekinnyonnyola buli kifaananyi ky'okubye. Mu ssomo lyaffe erya leero essira tulitadde ku bintu ebisangibwa mu maka gaffe n'emigaso gyabyo. Mu ssomo eriddako tujja kwongera okwekenneenya abantu abasangibwa mu kitundu kyaffe. Noolwekyo ojjanga n'ebifaanayi by'abantu b'olowooza nti bamugaso nnyo mu bulamu bwo.
Eddakiika 1	**NGA TUMALIRIZA EŞŞOMO LYAFFE,** **MWATTU NKUŞABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZEŞA ŞŞABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO ŞŞAAKO**

	N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO. **MWATTU BEERA AWAKA. WEEKUUME. WEERABA**

ABANTU BETUSANGA AWAKA.

EKISEERA: EDDAKIIKA 30

OKUBALA

Obubaka;

Abayizi abalungi, temwerabira kunaaba mu ngalo nga mukozesa ssabuuni n'amazzi okwongera okwetangira endwadde ya CoVid-19. Bala emirundi gyonaabye olwaleero.

Introduction ~1 minutes	Abayizi bange abalungi, mbaanirizza mu ssomo ly'okubala erya leero. Erinnya lyange nze .....nga nva .... Nga tetunnatandika kusoma, nsabe abazadde muyambe abaana okufuna ebitabo, obuti bw'okubazisa n'ekkalaamu. Abayizi, mufune we mutuula. Temusemberagana, tusobole okwewala ekirwadde kya COVID-19 (kuwummula)

	Nsuubira nga mweteeseteese bulungi.
Step 1: **~5 minutes**	Mu kyokuyiga kya leero, tugenda kuyiga ku bantu betusanga awaka nga tubabalira mu bibinja. Naye nga tetunnatandika, ka tusooke tuyimbe akayimba kano. Wuliriza nga bwennyimba. Emu, bbiri, satu, nnya,ttaano, mukaaga, musanvu. x2 Emu,bbiri,ssatu, tubuuke,ffenna tuzannye tujaguze x2 Kati tuyimbire wamu. Tubale obuti bwaffe 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10. Mwebale nnyo.
Step 2: **~8 minutes**	Kale wuliriza; Ewaka waffe waliyo jjajja mukyala, mwannyinaze, muganda wange, nange. Tuli bameka? Tubalire wamu; Jjajja mukyala,1 Mwannyinaze, 2 Muganda wange, 3 Nze, 4. Bantu ki abasangibwa ewaka wammwe? Babale bali meka? *Beeranga gwebagamba nti;* nze, jjaja mukyala, taata, maama, muganda wange ne mwannyinaze. Kati tubale ng abwe twabaze okusooka. 1 2 3 4 5 6. Kati tugenda kubasengeka mu bibinja; abaami n'abakyala. Baani abaami? Taata, mwanyinaze. Kale tubale; 1, 2. Baani abakyala? Maama, jjaja mukyala, muganda wange, nange. Tubabale; 1 2 3 4. Kati bala abantu abali mu maka gammwe. Bali bameka? Abaami bali bameka? Abakyala bali bameka? Webalire ddala. Obaze abantu abali mu maka gammwe n'obasengeka mu bibinja.
Step 3: **~8 minutes**	Kati tugenda kuzuula era tujjuzeemu emiwendo egibulamu. Naye katusooke tuyimbe akayimba kaffe. Emu,bbiri,ssatu,nnya,ttaano,mukaaga, musanvu x2 Emu,bbiri,ssatu, tubuuke ffenna, tujaguze x2 Bala wamu nange nga tukozesa obuti. 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15 16 17 18 19 20 <u>Tujjuzeemu Namba ebulamu?</u> a) 1, 2, 3, ___, 5, 6, 7 b) 3, 4, 5, 6, ___, 8, 9, 10 c) 10, 11, 12, ___, 14, 15, 16 d) 8, 9, 10, 11, 12, 13, 14, 15, 16, ___, 18, 19, 20 e) 11, 12, 13, 14, 15, ___, 17, 18, 19, 20 Nga muli balungi Kale ka twetegekere ekitundu ekiddako.
Step 4: **~8 minutes**	Tugenda kulaba amaka ag'enjawulo. Ogenda kuddamu ebibuuzo ebigakwatako. 1. Mu maka ga Kato, mulimu jjaja mukyala, maama, muganda we ne Kato. a) Mulimu abantu bameka? b) Baani abaami?

	c) Baani abakyala? 2. Ssaalongo abeera ne Nnaalongo balina abalongo nga bawala. a) Baani ku bbo abakyala? b) Abakyala bali bameka? c) Baani ku bbo abaami? d) Abaami bali bameka? e) Abantu bameka abali mu maka ga Ssaalongo bonna awamu?
Step 5: **~1 minute**	Nga tumaliriza, tubaze era netussa abantu mu bibinja. Ojjukiza a abantu b'awaka okunaaba engalo nga bakozesa amazzi amayonjo ne ssabbuuni. Weekuume ng'oli muyonjo era tova waka. Mweraba.

ABANTU ABAṢANGIBWA MU KITUNDU KYAFFE – Okuṣoma n'Okuwandiika

Akalowoozo:

Omuyizi mulungi njagala okukutegeeza nti olwaleero bw'owulirwmu enkenyera yonna katugambe owulira oluṣujjaṣujja, oba okukolola oba obuzibu mu kuṣṣa, weetaaga okugenda bunnambiro olabe omuṣawo. Buno bwonna bubonero bwa bulwadde buno obwa COVID. Kikulu nnyo okulaba omuṣawo mu bwangu kubanga obulwadde buno bukambwe nnyo.

Obudde: Eddakiika 30

ENNYANJULA **Eddakiika 2**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde kya COVID. Ka nsuubire nti weeteeseteese.
Omutendera 2:	Olwaleero tugenda kukubaganya ebirowoozo ku **BANTU ABAṢANGIBWA MU KITUNDU KYAFFE**. Ng'essira tugenda kulissa ku bantu abakulu ennyo era abatuyamba mu bitundu mwe tubeera.

Eddakiika 7	Batutuusaako obuweereza obw'enjawulo. Abamu ku bbo tubasasula naye abalala tetubasasula. Abantu abo abakulu ennyo be baliwa? Omu ku bbo wuuno mu kayimba kano. Kawulirize bulungi: **YIMBA Omuşomeşa aşaana kwambala bulungi, Omuşomeşa aşaana atambule nga yeetegereza** **Omuşomeşa aşana akuume eddaala ly'aliko** **Kubanga lye lişinga gonna amalala!** Neegettaako tuyimbe: **Omuşomeşa aşana kwambala bulungi!** - Kati nno tumanye nti omusomesa y'omu ku bantu abakulu ennyo mu kitundu kyaffe! Abantu abalala abakulu be baani? **WEEFUULE NTI OLINA GW'OYOGERA NAYE**: omusawo, omuseriakale, omunnaddiini, omubazzi, omulimi, omuvuzi wa takisi, omuvuzi wa boodabooda, kinyoozi, omukomazi, ooooh! **Weebale nnyo weebalire ddala** **-** kaakano tumantyi abantu abakulu abali mu kitundu kyaffe bangi nnyo naye essira tujja kulissa ku bano**:** **omuşomeşa omuşawo, omuşerikale, omulimi omubazzi** **WEEFUULE NTI OLINA GW'OYOGERA NAYE** - **mbuulira**: Omusomesa akola mulimu ki? Omusomesa asomesa abayizi - Omusawo akola mulimu ki? Omusawo ajjanjaba abalwadde! - Omulimi akola mulimu ki? **Omulimi alima.** - Omuserikale akola ki? Omuserikale akuuma ddembe. Tutambule ng'abaserikale **KOONA EMMEEZA ba ba!** **YIMBA** Nnabubi yazimba ku muti omuwanvu! Enkuba yatonnya nnabubi yagwa... One two One two ng'abaserikale! Nga **BW'OGGUNDA EKIGERE** Abayizi tuwummulemu nga bwe tweteekerateekera**.** okusoma
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 7**	- Kulikayo mu kuwummula omuyizi wange omulungi. Tugenda kusoma naye nga tetunnatandika, katusooke tuyimbe akayimba akatuteekateeka. **Wuliriza**: **YIMBA** Okusoma kulungi ddala ddala Maama okusoma kulungi ddala ddala! Tuyimbe ffenna: **YIMBA ... Okuşoma kulungi.... Weebale!!** Kati nno wuliriza n'obwegendereza nga nsoma ebigambo bino: ***Şoma ekigambo kinnakimu nga bw'okuba mu ngalo okulaga ennyingo ezikirimu.*** **Mubale ennyingo *Oluvannyuma londako kimu ekirimu amaloboozi g'ogenda okuşomeşaako***

	muṣomeṣa muṣawo kinyoozi mulimi mubazzi - Ka tuggyemu ekigambo kimu: ***muṣomeṣa,*** kitandika ***n'eddoboozi*** /m/ ne /u/n'ekyatulibwa ng'ennyingo ***mu*** Tusome /***mu***/. Waliyo ebigambo by'Oluganda ebirala ebitandika n'ennyingo **mu** okugeza ***muwala, mulenzi, muṣawo.*** Wa ebigambo 3 nga nange bwe mpandiika ebyange. **ṣiriikiriramu**. Soma ebigambo byo mu lwatu: **mubazzi, mulwadde, mulaalo** - Tuzimbe emboozi nga tweyambisa ebigambo byaffe Tutandike ne musomesa: ***Omuṣomeṣa aṣomeṣa abayizi.*** Naawe kola emboozi yo. **Weebale** Tukole emboozi n'ebigambo ebirala ebisigadde: **Omuṣawo, omubazzi, omulimi** **Weebaale nnyo omuyizi wange mulungi!** Tuwummulemu nga bwe tweteekateeka okuwuliriza akagero.
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 8**	Kulikayo mu kuwummula. Ŋŋenda kukusomera emboozi. Oluvannyuma lwayo ŋŋenda kukubuuzaayo ebibuuzo. Weeteeketeeke. **Tuula bulungi, towandiika kintu kyonna wuliriza buwuliriza**. **ṢIRIIKIRIRA. GOGOLA EMIMIRO, ṢOMA EMBOOZI EMIRUNDI EBIRI.** Ku kyalo Kiti kuliko omubazzi erinnya lye ye Ali. Abajja entebe n'emmeza ebirungi ennyo. Abajja ebitanda ne kkabada ennungi ennyo. Abantu b'oku kyalo baagala nnyo okugula ebibajje bya Ali kubanga birungi nnyo. Ali kati y'omu ku bantu abasinga obugagga ku kyalo kyaffe. **OLUGERO LUṢOME EMIRUNDI EBIRI OLUVANNYUMA OBUUZE EBIBUUZO** **Kati ddamu ebibuuzo bino:** 1. Menya ebibajje bibiri Ali by'abajja? **ṣṣiriikirira** 2. Lwaki abantu baagala nnyo okugula ebibajje bya Ali? **ṣṣiriikirira**

	3. Kigambo ki ekikontana ne kirungi? **$siriikirira** **- DDAMU OSOME EKIBUUZO KINNAKIMU NGA BW'OSOMA EBIDDIBWAMU**: **Okugeza:** Ekibuuzo kyaffe ekisooka kyabadde: 1. Menya ebibajje bibiri ebiri mu bbajjiro lya Ali. **Ekiddibwamu:** Mu bbajjiro lya Ali mulimu entebe, emmeeza, ebitanda ne kkabada. **Mu budde bwo obw'eddembe ojja kuyiiyaayo akayimba akawaana omuntu gw'olowooza nti y'a$inga omuga$o mu kitundu kyo.** Tuwummulemu nga twetegekera okuwandiika. Teweerabira ekkalaaamu n'ekitabo ekiwandiikibwamu
Eddakiika 5	Kulikayo mu kuwuwummula! Kadde ka kuwandiika. Ka nsuubire nti olina ekitabo n'ekkalaamu. Nga tetunnatandika ka tusooke tuyimbe akayimba kaffe ak'okuwandiika. **YIMBA**: **Ka mpandiike nga nneegendereza ebiikuutize omuomea tabyagala.** Weebale! Kati wandiika ennukuta: m m m Wandiika ennukuta: u u u Wandiika ennyingo: mu mu mu - Wandiika ebigambo: **muomea mu$awo mubazzi, mu$erikale** **$OMA BULI KIGAMBO EMIRUNDI EBIRI N'OBWEGENDEREZA** **OLUVANNYUMA OSOME BULI NNYINGO** Omusomesa asomesa abayizi. **Maama mukyala munune. Weebale nnyo** **- $OMA EMBOOZI N'OBWEGENDEREZA** **Mu budde bwo obw'eddembe ojja kukuba ekifaananyi era owandiike emboozi ku buli omu ku bantu bano:** **Omu$erikale, omu$awo, omulimi, omubazzi** Mu ssomo lyaffe lino tukubaganyizza ebirowoozo ku bantu abakulu abasangibwa mu kitudu kyaffe, tuwandiise ebigambo n'emboozi

	ezibakwatako. Mu ssomo eriddako tujja kwekenneenya ensonga endala enkulu ennyo mwattu tosubwa.
Eddakiika 1	**NGA TUMALIRIZA E$$OMO LYAFFE,** **MWATTU NKU$ABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZE$A $$ABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO $$AAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO**. **MWATTU BEERA AWAKA. WEEKUUME. WEERABA**

EBINTU EBIKOLA EMBEERA Y'OBUDDE N'EBIKA BY'EMBEERA Y'OBUDDE.

EKI$EERA: EDDAKIIKA 30

OKUBALA

Introduction **~2 minutes**	Abayizi bange abalungi, mbaanirizza mu kyokuyiga kya leero. Erinnya lyange nze .....nga nva .... Nga tetunnatandika kusoma, nsaba abazadde muyambe abaana okufuna ebitabo n'ekkalaamu n'ebyokubala. Abayizi, mufune we mutuula. Temusemberagana, tusobole okwewala ekirwadde kya COVID-19 (kuwummula) Nsuubira nga mweteeseteese bulungi.
Step 1: **~10 minutes**	Abayizi, leero tugenda kuyiga kubala. Katutandike n'akayimba kano. Wetegeke okuyimba nange. Ffe tuli embaata ento Tetumanyi kubala Tubala ngatuddamu Emu bbiri ssatu nnya Taano mukaaga musanvu munaana mwenda ne kkumi Katuddemu okuyimba. Abayizi tulina ebika bimeka eby'embeera y'obudde. Biri bina. Tubyogere; Embeera y'omusana Embeera y'enkuba Embeera yaakibuyaga Embeera y'ekidde Tubale; 1, 2, 3, 4 Kirungi, mwekubire mu ngalo.
Step 2: **~10 minutes**	Kati tugenda kubala namba okuva ku 1 okutuka ku 40. Naye ka tussoke tuyimbe akayimba kano. Manvuli emu. Manvuli bbiri. Manvuli ssatu. Manvuli nnya. Manvuli ttaano. Zonna zamugaso. Munkuba zigasa. Mumusana zeeziizo. Tuddemu nga tukozesa. Tufune obuti bwaffe, tubale okuva ku 1 okutuuka ku 40. 1, 2, 3, 4, 5, 6, 7, 8, ..., 34, 35, 36, 37, 38, 39, 40. Mwebale nnyo abayizi.
Step 3: **~8 minutes**	Engeri gye tumaze okubala ennamba okuva ku 1 okutuuka ku 40, kati tugenda kuwandiika.

	Buli omu afune ekitabo n'ekkalaamu. Wuliriza bulungi enamba gyenjogera ogiwandiike. 1 2 3 4 5 6 7 8 9 10 11 12 13 14 15 16 17 18 19 20 21 22 23 24 25 26 27 28 29 30 31 32 33 34 35 36 37 38 39 40 Ndowooza mwenna mumaze. Mwebale!
Step 4: **~3 minutes**	Abayizi, manyi nga mulina amasweta, enkofiira, kabuuti ne manvuuli awaka. Bwetugatta manvuuli mukaaga ku manvuuli bbiri, tuba ne manvuuli meka? Ziba manvuuli munaana. Kale mubale n'amasweeta n'enkofiira. Omuwendo gwofunye, gutegeeze abeeka. Nange ojja kumbuulira mukyokuyiga kyaffe ekinaddako.
Key message **~2 minutes**	Mwebale nnyo okuwuliriza obulungi mu ssomo lino. Tewerabira okunaaba mu ngalo ne ssabbuuni n'amazzi bulijjo. Sigala awaka, wewale abantu abanji, oleme okukwatiba ekirwadde kya COVID-19. Weraba.

EMIRIMU EGIKOLEBWA MU BIRO EBYENJAWULO.

EKI$EERA: EDDAKIIKA 30

OKUBALA

Introduction **~2 minutes**	Abayizi bange abalungi,mbaanirizza mu kyokuyiga kya leero. Erinnya lyange nze .....nga nva .... Nga tetunnatandika kusoma, nsabe abazadde muyambe abaana okufuna ebitabo ekkalaamu, obuti, amayinja, obusaanikira, ebikoola n'ebirala eby'okubala. Abayizi, mufune we mutuula. Temusemberagana, tusobole okwewala ekirwadde kya COVID-19 (kuwummula) Nsuubira nga mweteeseteese bulungi.
Step 1: **~8 minutes**	Ekyo'kuyiga kyaffe ekya leero kikwata ku ngeri y'okukolamu emiteeko. Abayizi, nga tetunnatandika, tugenda kuyimba akayimba akaddingana.Ngenda kusooka nyimbe nzekka, n'oluvannyuma tukayimbire wamu. Kale muwulirize. Ffe tuli embata ento, tetumanyi kubala,

	tubala nga tuddamu,1,2,3,4 5,6,7,8,9 ne 10. Mwebale ku wuliriza. Kale ka nziremu. Ffe tuli embaata ento,tetumanyi kubala, Tubala nga tuddamu, 1,2,3,4, 5,6,7,8,9, ne kkumi. Kale tuyimbire wamu. Ffe tuli embaata ento,tetumanyi kubala. Tubala nga tuddamu, 1,2,3,4 5,6,7,8,9, ne 10. Abayizi abalungi, mujjukira nti tulina ebika by'embeera y'obudde bibiri. Kale ka tubyatule; 1_____Ekiseera eky'enkuba 2_____Ekiseera eky'omusana Kale ka twatule ebintu bitaano abalimi bye bakola mu kiseera ekyenkuba. 1___tulima, 2_____basiga 3_____bakoola 4_____basalira 5_____battira. We are going to count again and mention the activities. 1_____ 2_____ 3_____ 4_____ 5_____ Abayizi abalungi, kati muwulirize bulungi. Ngenda kwogera enamba hg abwe tugiwandiika mu bitabo byaffe. 1, 2, 3, 4,5 Muli bayitirivu.
Step 2: **~8 minutes**	Kale kati abayizi, tugenda kukola emiteeko. Ogumu guyitibwa omuteeko. Emingi giyitibwa emiteeko. Abalungi, omuteeko kitegeeza ebintu ebifanagana nga biteekeddwa wamu. Okugeza; omuteeko gw'amayinja, Omuteeko gw'ebijanjaalo, Omuteeko gw'obusaanikira, Omuteeko gw'obuti, Omuteeko gw'ekkalaamu, Omuteeko gw'obuseke Ekitegeeza bwokunganya ebintu n'obiteeka wamu oba okoze omuteeko. Manyi nti mujjukira akayimba kaffe. Kale tukaddemu' Ffe tuli embaata ento Muli balungi nnyo. Kati nga tukozesa ebikoola, obuti, amayinja, obusaanikira, tugenda kukola emiteeko.
STEP 3	

~8 Minutes	Tubale obusaanikira 5 Tubale amayinja 10 Tubuteeeke wamu Tugateeke wamu Tukoze omuteeko gw'obusaanikira 5 Tukoze omuteeko gw'amayinja 10 Omuteeko gwaffe gulimu obuti 5. Omuteeko gwaffe gulimu amayinja 10 Tubale obuti 7, Tubuteeke wamu Tukoze akagana kaabuti 7 Omuteeko gwaffe gulimu obuti 7 Muli balungi nnyo
Step 4 **~8 minutes**	Kati abayizi tukole emiteeko nga tukozesa ebintu abalimi byebakozesa. Tufune ensigo z'ebijanjaalo. Tubale ebijanjaalo 5 Tubiteeke wamu. Guno muteeko gwa bijanjaalo Kati tufune kasooli. Tubale empeke za kasooli 6. Tuziteeke wamu. Omuteeko gwa kasooli Abayizi bange abalungi, tulina n'ogwandibadde omuteeko, naye nga mwerere. Muno muba temuli kintu kyonna. Kati funa ekikopo. Teekamu amazzi kijjule. Amazzi ago gonna gayiwe mu kintu ekirala. Ekikopo kisigadde kyereere. N'omuteeko omwereere temuba kirimu. Bokisi y'ebitabo, omukebe gw'ekkalaamu, omukebe gw'amayinja n'ebirala.

OMUBIRI N'EBYOBULAMU

OBUYONJO BW'OMUBIRI N'OBUYONJO BW'EBITWETOOLODDE

Obudde: Eddakiika 30

ENNYANJULA **Eddakiika 3**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde. Ka nsuubire nti weeteeseteese.
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 3**	Tugenda kusoma ku buyonjo bw'omubiri. Obuyonjo kwe kwefaako era nga tuli bayonjo DDAMU Obuyonjo era obuyonjo
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 10**	**What are the good health habit; Enneeyisa ennungi ekuuma obulamu y'eruwa?** **Enneeyisa eyo ezingiramu:** • Okuyonja emibiri gyaffe okugeza amaaso, emikono nga tukozesa amazzi amayonjo. • Okusanirira enviiri zaffe nga tukozesa

	ekisanirizo • Okusenya nga tukozesa omuswaki • Okukuuta ebigere byaffe • okunaaba mu maaso **DDAMU**; ***okuyonja, okusanirira, okusenya, okukuuta, okunaaba*** **KIRUNGI** **Nsuubira akayimba kano mukamanyi:** **Ani amanyi okunaaba?** **Ye nze banaaba bwe bati.** **Nga beegendereza ye nze banaaba bwe bati.** **Ani amanyi okusenya?** **Ye nze basenya bati.** **Nga beegendereza ye nze basenya bati** **Weebale nnyo**
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 8**	**Bintu ki bye tukozesa okukuuma emiri gyaffe nga miyonjo?** • Amazzi amayonjo mu kunaaba, okwoza n'okusenya. Ssabbuuni n'eddagala eritta obuwuka nga ditto. • Ttawulo, oba olugoye olutukula, ebbensani • ekisanirizo omuswaki, **Kale wandiika ebibambo bino nga bwe mbyogera :** amazzi,ssabbuuni, ekisanirizo , ttawulo , ebbensani, ekidomola **KIRUNGI**

OMUTENDERA 4: **Eddakiika 5**	**Ebya COVID19:** • Mwattu tukubirizibwa obutakwata ku bitundu byaffe bino omuli **amaa$o, ennyindo n'akamwa** kubanga akawuka mwe kayita ne kayingira emibiri gyaffe. • Okunaaba obulungi engalo nga tukosesa ssabbuuni n'amazzi amayonjo nga tumala waakiri ssikonda 20. • Obutamala gawandawanda • Okubikka ku mimwa n'akatambaala bwe tubeera nga **tukolola** • Okubikka ennyindo n'atambaala bwe tubeera nga **twa$imula.** **Okuwumbawumba:** Olwaleero tuyize ku bye tuyinza okukola okusobola okwekuuma nga tuli balamu bulungi. Mu ssomo lyaffe eriddako tujja kwekenneenya engeri gye tuyinza okukuuma obuyonjo bw'ebifo mwe tubeera. Mwebale tussaayo mutima n'okuwuliriza mu ssomo lino.
OBUBAKA **Eddakiika 3**	**NGA TUMALIRIZA E$$OMO LYAFFE, MWATTU NKU$ABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZE$A $$ABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO $$AAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO.** **MWATTU BEERA AWAKA ERA WEEKUME WEERABA**

OKUKUUMA OBUYONJO BW'EBIFO

Obudde: eddakiika 30

ENNYANJULA **Eddakiika 3**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde. Ka nsuubire nti weeteeseteese.
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 5**	Olwaleero tugenda kusoma ku kukuuma obuyonjo. "**Eno y'engeri gye tukuuma ebifo mwe tubeera nga wayonjo DDAMU . OBUYONJO, OBUYONJO, OBUYONJO KIRUNGI . Tuddemu akayimba kano**

	Ani amanyi okwera ye nze bayera bati *Nga beegendereza. Ye nze bayera bati.* *Ani amanyi okukuuta ye nze baakuuta bwe bati* *Nga beegendereza. Ye nze bakuuta bwe bati*
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 13**	**Kiki kye tulina okukola bulijjo okukuuma we tuli nga wayonjo?** Ka twekenneenye ebintu bye tulina okukola okusobola okukuuuma ebitundu mwe tubeera nga biyonjo. - **Okuŧaawa** omuddo - **Okwera** ennyumba n'oluggya - **Okujja kaŧaŧiro** okwetooloola awaka wamu n'okumwokya - **Okuŧiimuula** oba okumaala obusa ku ttaka - **Okuggyawo amazzi** gonna abeera galegamye okumpi n'enju - **Okulima** okwetooloola awaka - **Ddamu ebigambo bino** kusaawa, kwera, kujjawo, kulima
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 9**	**Bintu ki bye tukoŧeŧa okukuuma ebifo byo ebitwetoolodde nga biyonjo?** **Funa ekkalaamu n'olupapula owandiike ebintu bye tukoŧeŧa okukuuma watwetoolodde nga wayonjo.** Kati nno ŋŋenda kusoma ebintu ebyo, weekebere olabe oba nga obirina *enkumbi, olweyo, ekitiiyo, akakuŋŋaanya ebisaaniiko, oluso, ejjambiya, amazzi, bulaasi, oluso, ebbensani, ekisero, akagaali, akambe, ekisero omusuulwa kasasiro.* ***Funa ekitabo kyo okube ebifaananyi ebyo owandiikeko amannya gaabyo. WATTU KUUMA OMULIMU GWO OLUŦOMA BWE LULITANDIKA OLI BIRAGA OMUŦOMEŦA WO AKUGOLOLE*** ***Weebale kuwuliriza nja kudda nate twogere ku nŧonga endala.***

OBUBAKA **Eddakiika 2**	**NGA TUMALIRIZA E$$OMO LYAFFE, MWATTU NKU$ABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZE$A $$ABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO $$AAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO**. **MWATTU BEERA** AWAKA ERA WEEKUME WEERABA

ENDWADDE EZA BULIJJO N'ENGERI GYE TUYINZA OKUZEEKUUMAMU

Obudde: Eddakiika 30

INTRODUCTION **Eddakiika 2**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde. Ka nsuubire nti weeteeseteese.
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 10**	Mu masomo gaffe agaayita twasoma ku buyonjo bw'omubiri n'okukuuma ebuyonjo bw'ebitundu byaffe. Olwaleero tugenda kusoma ku kintu ekipya nga ze ndwadde. **DDAMU:** ENDWADDE, ENDWADDE, ENDWADDE **Ebitambuza endwadde bw'ebintu ebiaaaanya endwadde nga bibijja mu kitundu ekimu okudda mu kirala.**
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 10**	**Okwejjukanya. Obulwadde kye kiki? Wali olwadde obulwadde bwonna?** **Bintu ki ebitambuza endwadde mu kitundu kyaffe?** Ebintu ebimu ebitambuza endwadde mulimu;

<table>
<tr><td></td><td>enkukunyi, ensiri, ebivu, emmeşe, ebiyenje, ensowera

DDAMU EBIGAMBO EBYO</td></tr>
<tr><td>OMUTENDERA 3:
Eddakiika 5</td><td>Endwadde ezisaasaanyizibwa ebintu bino mulimu, kawumpuli, omusujja gw'ensiri, kkolera, mmogoota n'omusujja gw'omu byenda. DDAMU

<table><tr><td>ekitambuza obulwadde</td><td>obulwadde</td></tr><tr><td>ensowera</td><td>kkolera</td></tr><tr><td>ebiyenje</td><td>ekiddukano ky'omusaayi</td></tr><tr><td>ensiri</td><td>omusujja gw'ensiri</td></tr><tr><td>emmese</td><td>kawumpuli</td></tr><tr><td>ekivu</td><td>mmongoota</td></tr></table></td></tr>
<tr><td>OMUTENDERA 4
Eddakiika 5</td><td>• Kati funa ekitabo kyo, wuliriza bulungi era owandiike bino ensowera, ekiyenje, ensiri, emmeşe. ekivu
• wandiika endwadde ereetebwa buli kimu ku ebyo
• wuliriza ebiddibwamu weekebere.
Weebale!
Weebale kuwuliriza.</td></tr>
<tr><td>OBUBAKA
Eddakiika 2</td><td>NGA TUMALIRIZA E$$OMO LYAFFE,
MWATTU NKU$ABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZE$A $$ABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO $$AAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO.

MWATTU BEERA AWAKA WEERABA</td></tr>
</table>

ENDWADDE EZISIIGIBWA, ENDWADDE Z'OMULUBUTO N'EBIWUKA BY'OMU BYENDA

Obudde: Eddakiika 30

ENNYANJULA **Eddakiika 5**	Nkwanirizza omuyizi omulungi mu ssomo lyaffe erya leero ery'okusoma n'okuwandiika. Erinnya lyange nze ..... Nga tetunnatandika ka nkusabe weeteeketeeke. Funa ekkalaamu n'olupapula oba ekitabo w'osobola okuwandiika. Funa ne w'otuula. Jjukira obutaliraana nnyo bantu olw'okwewala ekirwadde. Ka nsuubire nti weeteeseteese.
OMUTENDERA 1: **Eddakiika 5**	Olwaleero tugenda kuyiga ku ndwadde ezisiigibwa n'endwadde z'omu lubuto. Buuza munno oba ebyo yali abiwuliddeko. Endwadde ezikwanta nta ziva ku muntu omu okudda ku mulala ze tuyita **ezisiigibwa.** Endwadde ezo zisobola okukwata ekitundu ky'omubiri kyonna okugeza, ku lususu mu byenda oba ekitundu ky'omubiri ekirala. Endwadde ezikwata nga za mu lubuto zitera okubeeramu embiro nga akamu ku bubonero.
OMUTENDERA 2: **Eddakiika 7**	Buuza munno ku ndwadde ezimu zireeta embiro nga akamu ku bubonero Kati ziwandiike. Nange ka nkuweeyo ezimu kw'ezo: kkolera, ekiddukano ky'omusaayi, omusujja gw'omu byenda, Kebera bye wazzeemu. DDAMU nga bwe tuyiga empandiika entuufu ey'ebigambo bino:

	KKOLERA = kko-le-ra EKIDDUKANO KY'OMUSAAYI = e-ki-ddu-ka-no ky'o-mu-saa-yi OMUSUJJA GW'OMU BYENDA = o-mu-su-jja gw'o-mu bye-nda **KIRUNGI**
OMUTENDERA 3: **Eddakiika 10**	Funa ekitabo kyo owandiike ebibuuzo bino: (i) Embiro kye ki? (ii) Obuwuka obureeta embiro buyita mu kitundu ki eky'omubiri okutuyingira? (iii) What are 3Ds? KUUMA OMULIMU GWO. OLUSOMA BWE LURIDDAMU OGUTWALANGA EW'OMUSOMESA OKUGUGOLOLA. Weebale kuwuliriza.
OBUBAKA **Eddakiika 3**	**NGA TUMALIRIZA ESSOMO LYAFFE,** **MWATTU NKUSABA OJJUKIZE ABANTU B'OBEERA NABO AWAKA OKUNAABA MU NGALO BULI KADDE NGA BAKOZESA SSABBUUNI N'AMAZZI AMAYONJO SSAAKO N'OKUKUUMA AWAKA WONNA NGA WAYONJO.** **MWATTU BEERA AWAKA WEERABA**

OBUDDE NEMBEERA ZAABWO.

OKUSOMA N'OKUWANDIIKA

ESSOMO : KUSOMA OBUDDE: DDAKIIKA 30

ENYANJULA: Ddakiika 2	Abayizi abalungi, mbaniriza nnyo musomo lino. Mwasiibyeyo mutyano. Amannya gange nze ..... Nga tetunatandika kusoma, nsaba mweteeketeeke musobole okuwuliriza obulungi. Funa wotuula. Mweetegereze kino, temugeezaako okutuula nga mweriraanye nnyo. Mutuule nga mwekubye amabanga. Nsubira nti mumaze okweteekateeka.
Omutendera Ogusooka: Ddakiika 7	Olunaku lwaleero tugenda okusoma KUBUDDE N'EMBEERA ZAABWO. ***Tugenda kusooka kuyimba luyimba luno.*** Gwe enkuba genda eri. Onodda olulala.

	Abato baagala kuzanya. Bagaala omusana gwake. Gwe enkuba genda eri. (Tune: Rain rain go away). Kati yimirira era otunule waggulu mubbanga. Kiki ky'olaba? Tulaba enjuba, n'ebire. Empewo efuuwa? Tunuulira emiti . Olaba ebikoola byenyenya? Enkuba ettonya?
Omutendera ogwokubiri: Ddakiika 6	Abayizi abalungi, embeera z'obudde zeezino. Omusana gwaka. Empewo efuuwa. Ebire nga bikutte. Enkuba etonnya. Ekiddedde. Kale ddamu oyogere ebigambo bino nga bwembyogera ; Omusana gwaka. Empewo efuuwa. Ebire nga bikutte. Enkuba etonnya. Ekiddedde. **Mwebale nnyo!**

	Kati fenna tuddemu okuyimba; Gwe enkuba genda eri. Onodda olulala. Abato baagala kuzanya. Baagala omusana gwake. Gwe enkuba genda eri. (Tune: Rain rain go away) MULI BALUNGI NNYO!
Omutendera ogwo kusatu: Ddakiika 5	Mbeera yabudde ki eriwo? Enkubba etonnya? Waliyo ebire? Omusana gwaka oba, Waliyo empewo? Wano wendi, embeera yobudde ya ..... Wndiika embeera yobudde bweri awo wooli. Abayizi abalungi, embeera yobude eri; enkubba etonnya ebire bikutte omusana gwaka empewo efuuwa ekiddedde
Omutendera ogwokuna: Ddakiika 3	**Abayizi abalungi, katwogere biki ebiraga embeera zobudde zetulabye.** Bye bino;

	enjuba empewo ebire enkuba Mwebale nnyo! **Kati ffena tuddemu twogere embeera z'obudde zino.** omusana gwaaka ebire bikutte empewo efuuwa enkuba ettonnya ekiddedde
Omutendera ogwokutaano: Ddakiika 4	Wandiika bino mu kitabo kyo. **Embeera z'obudde.** omusana gwaaka ebire bikutte empewo efuuwa enkuba ettonnya ekidedde
Omulimu: Ddakiika 1	Kuba ebifananyi ebiraga embeera z'obudde era owandiikeko ebigambo byakwo.
Obubaka **Obukulu**: Ddakiika 2	Mwebale nnyo okuwuliriza n'okubeera abayizi abalungi mu ssomo lino BUIJJO JUKIRA BINO • Kozesa sabuuni n'amazzi amayonjo okunaaba engalo zo • Weewale okukwata mu maasogo, munnyindo zo, nemukamwako nga tonabye bulungi ngalo zo. • Weekuumire awaka, obeere mulamu. Kino kijja kutuyamba okugoba obulwadde bwa CORONA wetuli. MWERABA.

EMIRIMU EGIKOLEBWA MU BIRO EBYENJAWULO.

EKISEERA: EDDAKIIKA 30

OKUBALA

Introduction **~2 minutes**	Abayizi bange abalungi,mbaanirizza mu kyokuyiga kya leero. Erinnya lyange nze .....nga nva .... Nga tetunnatandika kusoma, nsabe abazadde muyambe abaana okufuna ebitabo ekkalaamu, obuti, amayinja, obusaanikira, ebikoola n'ebirala eby'okubala. Abayizi, mufune we mutuula. Temusemberagana, tusobole okwewala ekirwadde kya COVID-19 (kuwummula) Nsuubira nga mweteeseteese bulungi.
Step 1: **~8 minutes**	Ekyo'kuyiga kyaffe ekya leero kikwata ku ngeri y'okukolamu emiteeko. Abayizi, nga tetunnatandika, tugenda kuyimba akayimba akaddingana.Ngenda kusooka nyimbe nzekka, n'oluvannyuma tukayimbire wamu. Kale muwulirize. Ffe tuli embata ento, tetumanyi kubala, tubala nga tuddamu,1,2,3,4 5,6,7,8,9 ne 10. Mwebale ku wuliriza. Kale ka nziremu. Ffe tuli embaata ento,tetumanyi kubala, Tubala nga tuddamu, 1,2,3,4, 5,6,7,8,9, ne kkumi. Kale tuyimbire wamu. Ffe tuli embaata ento,tetumanyi kubala. Tubala nga tuddamu, 1,2,3,4 5,6,7,8,9, ne 10. Abayizi abalungi, mujjukira nti tulina ebika by'embeera y'obudde bibiri. Kale ka tubyatule; 1_____Ekiseera eky'enkuba 2_____Ekiseera eky'omusana Kale ka twatule ebintu bitaano abalimi bye bakola mu kiseera ekyenkuba. 1___tulima, 2_____basiga 3_____bakoola 4_____basalira 5_____battira. We are going to count again and mention the activities. 1_____ 2_____ 3_____ 4_____ 5_____ Abayizi abalungi, kati muwulirize bulungi. Ngenda kwogera enamba hg abwe tugiwandiika mu bitabo byaffe. 1, 2, 3, 4,5

	Muli bayitirivu.
Step 2: **~8 minutes**	Kale kati abayizi, tugenda kukola emiteeko. Ogumu guyitibwa omuteeko. Emingi giyitibwa emiteeko. Abalungi, omuteeko kitegeeza ebintu ebifanagana nga biteekeddwa wamu. Okugeza; omuteeko gw'amayinja, Omuteeko gw'ebijanjaalo, Omuteeko gw'obusaanikira, Omuteeko gw'obuti, Omuteeko gw'ekkalaamu, Omuteeko gw'obuseke Ekitegeeza bwokunganya ebintu n'obiteeka wamu oba okoze omuteeko. Manyi nti mujjukira akayimba kaffe. Kale tukaddemu' Ffe tuli embaata ento Muli balungi nnyo. Kati nga tukozesa ebikoola, obuti, amayinja, obusaanikira, tugenda kukola emiteeko.
STEP 3 **~8 Minutes**	Tubale obusaanikira 5 Tubale amayinja 10 Tubuteeeke wamu Tugateeke wamu Tukoze omuteeko gw'obusaanikira 5 Tukoze omuteeko gw'amayinja 10 Omuteeko gwaffe gulimu obuti 5. Omuteeko gwaffe gulimu amayinja 10 Tubale obuti 7, Tubuteeke wamu Tukoze akagana kaabuti 7 Omuteeko gwaffe gulimu obuti 7 Muli balungi nnyo
Step 4 **~8 minutes**	Kati abayizi tukole emiteeko nga tukozesa ebintu abalimi byebakozesa. Tufune ensigo z'ebijanjaalo. Tubale ebijanjaalo 5 Tubiteeke wamu. Guno muteeko gwa bijanjaalo Kati tufune kasooli. Tubale empeke za kasooli 6. Tuziteeke wamu. Omuteeko gwa kasooli Abayizi bange abalungi, tulina n'ogwandibadde omuteeko, naye nga mwerere. Muno muba temuli kintu kyonna. Kati funa ekikopo. Teekamu amazzi kijjule. Amazzi ago gonna gayiwe mu kintu ekirala. Ekikopo kisigadde kyereere. N'omuteeko omwereere temuba kirimu. Bokisi y'ebitabo, omukebe gw'ekkalaamu, omukebe gw'amayinja n'ebirala.

EBINTU EBIKOLEBWA MU MBEERA Z'OBUDDE OBWENJAWULO

ESSOMO : OKUSOMA **OBUDDE: Ddakiika** 30 .

ENYANJULA: Ddakiika 2	Abayizi abalungi, mbaniriza nnyo mu ssomo lino. Amannya gange nze..... Nga tetunatandika kusoma, nsaba weteeketeeke osobole okuwuliriza obulungi. Funa ekkalamu, olupapula oba ekitabo. Funa w'otuula. Weetegereze bino: Temugezaako okutuula nga mweriraanye nnyo. Mutuule nga mwekubye amabanga. NSUBIRA NTI MUMAZE OKWETEEKATEEKA.

Omutendera ogusooka: Ddakiika 10	Olunaku lwaleero, tugenda kusoma ku " BIKOLEBWA MU MBEERA Z'OBUDDE OBWENJAWULO". **Nsaba muwulirize emboozi eno.** Erinnya lyange nze Jolly. Mbeera Nabusanke. Ab'oluganda lwange abasinga balimi. Bino byebakola mubudde bw'enkuba. Basiga, babika ennimiro zaabwe, bakoola, basalira era battira ebirime byaabwe. Mu budde bw'omusana, balima, bakungula ebirime byabwe era nebabikaza.
Omutendera ogwokubiri: Ddakkika munaana (7)	Ebikolebwa mumbeera z'obudde obw'enjawulo byetugenda okusomako biri; okusiga, okubikka, okukoola, okusalira, okukungula, okusunsula ensigo, okulima, n'okukaza ensigo (ebirime) Kati ffena tuddemu twogere ebigambo ebyo. MWEBALE NYO.
Omutendera ogwokusatu: Ddakiika 5	Kati mwogere ennukuta z'ebigambo bino nga bwenzogera. kusimba kubika kukoola kusalira kukungula kusunsula MWEBALE NNYO.

	Kati funa ekitabo kyo era owandiike ebigambo bino. okukungula okusiga okusunsula okukoola okusalira MWEBALE NNYO.
Omutendera ogwokuna: Ddakkika 3	**Abayizi abalungi, kati ffena tuddemu okwogera emirimu egikolebwa mu mbeera yobudde bw'enkuba;** Okubikka okukoola okusalira **Era tuddemu twogere emirimu egikolebwa mubudde bw'omuṣana;** okukungula, okusunsula ensigo okulima, okukaza ensigo KIRUNGI NNYO.
OMULIMU: Ddakiika 1	Kuba ebifaanannyi ku mirimu egikolebwa mu budde bwenkuba .era obiwandiikeko. Tereka omulimu ogwo ,bwonodda ku ssomero ogulage omusomesawo . **Mwebale nnyo okufaayo okuwuliriza mu ṣṣomo lino.**
OBUBAKA OBUKULU Ddakiika 2	• Naaba bulungi engalo zzo ng'okozesa amazzi amayonjo ne ssabuuni • Weewale okukwata mumaaso go, mu nnyindo zo ne mukamwa ko nga tonaabye mu ngalo ne sabuuni ko naamazzi amayonjo. • Beera awaka era weewale okubeera awali abantu abangi abakunganye.Bino bijja kukutaasa obutalwaala CORONA. • WEKUUME OBUTAFUNA BULWADDE BWA CORONA.

	MWERABA

EMIRIMU EGIKOLEBWA MU MBEERA ZOBUDDE OBW'ENJAWULO

ESSOMO : KUWANDIIKA OBUDDE: Ddakiika 30 .

ENNYANJULA Ddakiika 2	Abayizi abalungi, mbaniriza nnyo mu ssomo lino. Amannya gange nze..... Nga tetunatandika ssomo lino, nsaba weteeketeeke, osobole okuwuliriza obulungi Funa ekkalaamu, olupapula oba ekitabo. Funa wotuula. Mugezeeko nnyo okutuula nga temweriraanye nnyo. Mutuule nga mwekubye amabanga. NSUBIRA NTI KATI MUMAZE OKWETEEKATEEKA
OMUTENDERA OGUSOOKA Ddakiika taano (5)	Olunaku lwa leero tugenda kusoma ku "MIRIMU EGIKOLEBWA MU MBEERA Z'OBUDDE OBWENJAWULO" **Weteeketeeke era owulirize nga bwenjatula ebigambo bino.**

	kukungula kubikka kufukirira kukoola kusiga kulima kukaza kusalira kuttira **KATI FFENA TWOGERERE WAMU EBIGAMBO BINO.** kukungula kubikka kufukirira kukoola kusiga kulima kukaza kusalira kuttira
OMUTENDERA OGWOKUBIRI: Ddakiika 6	**Katwatule ebigambo nga bwetubiwandiika;** kusiga, kukoola kusalira, kukungula kukaza, kulima kuttira **Tuddemu tubyatule** MWEBALE NNYO!
OMUTENDERA OGWOKUSATU: Ddakiika 11	**WANDIIKA EMBOOZI ZINO NGA BWENZIŞOMA ELA OKUBE EBIFAANANYI** Taata akungula kasooli. Mary akoola bijjanjalo. Tom asiga bulo.

	Maama abikka nnyannya. MWEBALE NNYO!
OMUTENDERA OGWOKUNA: Ddakiika 3	**Abayizi abalungi ffena tusome emboozi zino.** Tata akungula kasooli. Mary akoola bijjanjalo. Tom asiga bulo. Maama abikka nnyannya. Mweyongere okukola obulungi!
OMULIMU: Ddakiika 1	Saba bobeera nabo awaka bakufunire ekifo nensigo.Simba ensigo era olabirire enimiro eyo.Wandiika oba kuba ebifaanannyi ku njawulo etuuka ku byosimbye.Bwonodda ku ssomero oja kulaga omusomesawo omulimu gwo.
OBUBAKA OBUKULU Ddakiika 2	Mwebale nnyo okufuba okuwuliriza nga tusoma essomo lino BULIJJO TEWEERABIRA; • Naaba bulungi engalozo ngokozessa amazzi amayonjo ne ssabuuni • BEERA AWAKA ERA WEEWALE OKUBEERA MUBIFO AWALI ABANTU ABANGI. BINO BIJJA KUKUTAASA OBUTAFUNA BULWADDE BWA CORONA. MWEKUUME CORONA. MWERABA

ACTIVITIES FOR DIFFERENT SEASONS

Time frame: 30 minutes

Literacy II

Introduction **~2mins**	Hello listeners, you are warmly welcome to this program. Good morning My name is ..... Before we start the lesson, I request you to get ready to listen. Get a pen, pencil, paper or a book. Get where to sit. Please sit far from each other. Hope you are now ready.
OMUTENDERA 1: **~5 minutes**	Today we are going to learn about "activities for different seasons." First get ready and listen to these words as I say them. Harvesting Mulching Watering Weeding Planting Digging Drying Pruning Thinning Now let us say them together. Harvesting Mulching Watering Weeding Planting Digging Drying Pruning Thinning

OMUTENDERA 2: **~10 minutes**	Children let us say the words as you write them. Planting, weeding, pruning Harvesting, drying, digging, thinning. Let us say them again. Wonderful.
OMUTENDERA 3: **~8 minutes**	Now write these sentences as I read them. Father is harvesting maize. Mary is weeding the bean plants. Tom is planting millet. Mother is mulching tomatoes. **Good**
OMUTENDERA 4: **~3mins**	Okay children, let us also read the sentences. Father is harvesting maize. Mary is weeding the bean plants. Tom is planting millet. Mother is mulching tomatoes. **Keep it up!**
Key message **~2 mins**	Thank you for listening and being attentive during the lesson. Don't forget to always; Wash your hands with soap and water. Stay at home and avoid crowds. KeepSafe. GOOD BYE

ENDYA ENNUNGI

ESSOMO : OKUSOMA OBUDDE: Ddakiika 30 .

ENNYANJULA Ddakiika 2	Abayizi abalungi, mbaniriza mu ssomo lino. Mwasiibye mutyano Amanya gange nze ..... Nga tetunatandika ssomo lino, nsaba mweteeketeeke musobole okuwuliriza obulungi . Funa ekkalaamu, olupapula oba ekitabo ebyokuwandiisa. Kati funa wotuula. Jjukira obuteesembereza bantu abalina obubonero bwobulwadde bwa CORONA. Obubonero buno buli; okukolola, okunnyiza ennyo, omusujja n'ebuggumu erisuse mumubiri. Nsubira nti mumaze okweteekateeka. KIRUNGI.
OMUTENDERA OGUSOOKA; Ddakiika 3	Olunaku lwa leero tugenda kusoma ku "NDYA ENNUNGI". Tugenda kusooka kuyimba ffena. **Mweteeketeeke tuyimbe ffena.** Katonda

	Weebale olwensi ennungi, Nebibala byetulya, N'emmere eyo gyetulya, Webale olwa byonna. (Kozesa tune: Thank you for the world so sweet) **Kati ddamu ekibuuzo kino.** Endya ennungi kitegeeza ki? Kirowoozeeko. Endya ennungi etegeeza okulya emmere eyemigaso egyenjawulo kubuli kijjulo.
OMUTENDERA OGWOKUBIRI: Ddakkika 12	Emmere eyemigaso egyenjawulo yeeriwa? kirowoozeeko Emmere eyemigaso egyenjawulo eri mubibinja bisatu ate nga erimu emmere eyenjawulo. Ebibinja bino biri bisatu era birimu emmere eno 1. Emmere ewa amaanyi. Eno erimu; muwogo, mayuuni, lumonde, obulo, kasooli nebirala. 2. Emmere ezimba omubiri Eno erimu; Ebyenyanja,ebijjanjaalo,ebinyeebwa,amata,ennyama kawo nebirala. 3. Emmere ekuuma omubiri. Eno erimu; (i) Ebibala nga; emiyembe, mapeera micungwa, ovacado mappaappaali, appozi wotameloni, nnannansi nebirala (ii) Enva endiirwa nga; kabegi, kaloti

	nakati, bbugga ddoodo, nnyannya jjobyo nebirala Kino kitegeeza nti endya ennungi kubuli kijjulo, omuntu ateekwa okulya emmere okuva mu buli kibinja. **Kati yatula bino nga bwembyatula.** • Emmere ewa amaanyi • Emmere ezimba omubiri • Emmere ekuuma omubiri **Kati wandiika ebigambo bino.** • Emmere ewa amaannyi • Emmere ezimba omubiri • Emmere ekuuma omubiri
OMUTENDERA OGWOKUSATU: Ddakiika 5	Lowooza ku migaso egiri mmundya ennungi. Jjukira, endya ennungi, ekijjulo kiteekwa okubeerako emmere evudde mu buli kibinja . Kino kikulu kubanga kireetera omuntu; • Okubeera omulamu • Okufuna amaanyi • Okukula obulungi • Okukola obulungi mu kibiina.
OMUTENDERA OGWOKUNA : Ddakiika ttaano (5)	Lowooza era oddemu ebibuuzo bino I. Wandiika ebibinja byemmere bisatu ebikola endya ennungi. II. Wandiika amannya g'emmere assatu agafuula ekijjulo okuba ekyendya ennungi III. Migaso ki egiri mu ndya ennungi?
OMULIMU: Ddakiika emu (1)	Wandiika amannya g'emmere ataano ku buli kibinja kyammere. Omulimu guno gutereke bulungi , oja kugulaga omusomesa wo ng'otandise okusoma.
OBUBAKA OBUKULU	Nga maliriza, nkujjukiza bino; • Bulijjo lekawo ebbanga wakati wo ne munno omulala yenna

Ddakiika bbiri(2)	bwemuba mutudde oba nga mukola ekintu ekirala kyonna. • Bulijjo naaba engalozo bulungi ng'okozesa amazzi amayonjo ne ssabuuni WEKUUME. FFENA TUKOLERE WAMU TUSOBOLE OKULWANYISA OBULWADDE BWA CORONA.

ENDYA ENNUNGI


ESSOMO : OKUSOMA **OBUDDE: Ddakiika 30 .**

ENNYANJULA Ddakiika 2	Abayizi abalungi, mbaniriza mu ssomo lino. Mwasiibye mutyano Amanya gange nze ..... Nga tetunatandika ssomo lino, nsaba mweteeketeeke musobole okuwuliriza obulungi . Funa ekkalaamu, olupapula oba ekitabo ebyokuwandiisa. Kati funa wotuula. Jjukira obuteesembereza bantu abalina obubonero bwobulwadde bwa CORONA. Obubonero buno buli; okukolola, okunnyiza ennyo, omusujja n'ebuggumu erisuse mumubiri. Nsubira nti mumaze okweteekateeka. KIRUNGI.
OMUTENDERA OGUSOOKA; Ddakiika 3	Olunaku lwa leero tugenda kusoma ku "NDYA ENNUNGI". Tugenda kusooka kuyimba ffena. **Mweteeketeeke tuyimbe ffena.** Katonda Weebale olwensi ennungi, Nebibala byetulya, N'emmere eyo gyetulya, Webale olwa byonna. (Kozesa tune: Thank you for the world so sweet)

	Kati ddamu ekibuuzo kino. Endya ennungi kitegeeza ki? Kirowoozeeko. Endya ennungi etegeeza okulya emmere eyemigaso egyenjawulo kubuli kijjulo.
OMUTENDERA OGWOKUBIRI: Ddakkika 12	Emmere eyemigaso egyenjawulo yeeriwa? kirowoozeeko Emmere eyemigaso egyenjawulo eri mubibinja bisatu ate nga erimu emmere eyenjawulo. Ebibinja bino biri bisatu era birimu emmere eno 4. Emmere ewa amaanyi. Eno erimu; muwogo, mayuuni, lumonde, obulo, kasooli nebirala. 5. Emmere ezimba omubiri Eno erimu; Ebyenyanja,ebijjanjaalo,ebinyeebwa,amata,ennyama kawo nebirala. 6. Emmere ekuuma omubiri. Eno erimu; (iii) Ebibala nga; emiyembe, mapeera micungwa, ovacado mappaappaali, appozi wotameloni, nnannansi nebirala (iv) Enva endiirwa nga; kabegi, kaloti nakati, bbugga ddoodo, nnyannya jjobyo nebirala Kino kitegeeza nti endya ennungi kubuli kijjulo, omuntu ateekwa okulya emmere okuva mu buli kibinja.

	Kati yatula bino nga bwembyatula. • Emmere ewa amaanyi • Emmere ezimba omubiri • Emmere ekuuma omubiri **Kati wandiika ebigambo bino.** • Emmere ewa amaannyi • Emmere ezimba omubiri • Emmere ekuuma omubiri
OMUTENDERA OGWOKUSATU: Ddakiika 5	Lowooza ku migaso egiri mmundya ennungi. Jjukira, endya ennungi, ekijjulo kiteekwa okubeerako emmere evudde mu buli kibinja . Kino kikulu kubanga kireetera omuntu; • Okubeera omulamu • Okufuna amaanyi • Okukula obulungi • Okukola obulungi mu kibiina.
OMUTENDERA OGWOKUNA : Ddakiika ttaano (5)	Lowooza era oddemu ebibuuzo bino IV. Wandiika ebibinja byemmere bisatu ebikola endya ennungi. V. Wandiika amannya g'emmere assatu agafuula ekijjulo okuba ekyendya ennungi VI. Migaso ki egiri mu ndya ennungi?
OMULIMU: Ddakiika emu (1)	Wandiika amannya g'emmere ataano ku buli kibinja kyammere. Omulimu guno gutereke bulungi , oja kugulaga omusomesa wo ng'otandise okusoma.
OBUBAKA OBUKULU Ddakiika bbiri(2)	Nga maliriza, nkujjukiza bino; • Bulijjo lekawo ebbanga wakati wo ne munno omulala yenna bwemuba mutudde oba nga mukola ekintu ekirala kyonna. • Bulijjo naaba engalozo bulungi ng'okozesa amazzi amayonjo ne ssabuuni WEKUUME. FFENA TUKOLERE WAMU TUSOBOLE OKULWANYISA OBULWADDE BWA CORONA.

This document was downloaded from https://exoticnotes.com



Do you need more LESSON NOTES for Primary (All classes)?

Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/

If you need LESSON NOTES for SCIENCE (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/science/

If you need LESSON NOTES for English (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/english/

If you need LESSON NOTES for Mathematics (P.1 – P.7)
Click
https://exoticnotes.com/notes/primary/mathematics/